Ecolebooks.com

S IV MOCK 2016

(OKUSOMA BWINO, EBY'OBUWANGWA NE LITULICA)

OLUPAPULA OLWOKUBIRI

ESSAAWA BBIRI N'EKITUNDU (2 ½)

EBIGOBERERWA:

- Olupapula luno lulimu ebitundu bisatu: A, B ne C.
- Ddamu ebibuuzo bitaano (5) awamu.
- Ddamu ebibuuzo byonna mu kitundu A ne B.
- Mu kitundu C, ddamu ebibuuzo bisatu (3) byokka.

## EKITUNDU A

Q.1 Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo kunkomerero yaakyo.

ByaKirembekaBbaale.

Abawanuuz ibagambanti yali Kabaka Kintu eyali alambula Obuganda n'atuuka mu Mawokota ne yeebuuza kyeyali asobola okuggya mu miti emirungi.Emiti egyo kati gyetuyita emituba gyalabikanga bulungi nnyo era baagiyitanga bikiwaatula oba gikiwaatula nga bikiggya mu ngeri gye gyasuulangamu ebikoola mu budde obw'ekyeya ate ne gitojjera mu nkuba, kye tuyita okuwaatula n'okuggumiza.

Ssaabasajja bweyalaba kiwaatula ono ng'atojjedde ne yeebuuza ekintu no ekiyinza okuva mu muti guno. Baatandika okutema emiti egyookukola/okugugunamu enku n'enduli z'okusimba mu bisakaate ne gibeera emigaso egyasooka okuva mu miti gino. Olwali olwo, Wamala mutabani wa Ssenkungu eyeddira ennonge yali ayasa oluku mu muti guno neguvaako ekikuta ne kigwa wali ate gwo ne gusigala nga mugumu. Mu kukoonakoona ekikuta kino n'amayinja kyavaamu amazzi nekigenda nga kikala ate ne kikyuka mu ndabika. Bweyategeeza kitaawe Ssenkungu naye n'asanyuka n'atandika okuyiiya ekisingako awo.

Yatuma mutabani we effumu n'omwambe ne bagenda mu lusuku ne batandika okuyimbula oba okususumbula omutuba omunene ne baleeta ekikuta ekyo ne bakikuba okutuuka lwe baafuna "ekikuta ekigazi ate nga kiwanvu" nga kikyuse mu ndabika. Olw'okubanga mu Buganda buli ekikolebwa tukikola lwa Beene, Ssenkungu ne mutabani we badduka za mbwa, baabo mu lubiri ne banjulira Nnyinimu ekipya kyebaali baggye mu muti gukiwaatula. Beene yasanyuka. Olwali olwo omu ku bazaana b'omulubiri n'asitula ekipya kino n'akissa mu mulyango gw'olubiri kikole ng'olutimbe. Era Maasomoogi bweyatuuka kwekugamba nti ate kino kibugirizaawo bulungi. Mu kigambo "okubugirizaawo" mwe mwava ekigambo Olubugo olubugiriza.



DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

Ecolebooks.com

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

Abawanuuza bagamba nti Nnyinimu yatumya mangu musajja we Wamaleera ne Wamala yasitukiramu ng'eyatega ogw'ekyayi yogaayoga mu lubiri era olwessa mu maasoga Beene, omukulu n'amuwa obuvunaanyizibwa bw'okukola ebibugiriza ebiwerako, olwo no ab'eŋŋonge ne bafuuka abakomazi ba Kabaka na guno gujwa. Okuwanuuza okulala kugamba nti mutabani wa Ssenkungu ono (Wamala) yali ayitibwa Ssonko era nti Abaganda bwe baatandika okwesiba embugo Ssaabasajja n'amuyita n'amugamba nti "weebaleWamala ensonyi ku bantu baffe". Bwelityo erinnya kwekumukalako.

Olubugo bwe lwasasaana mu Buganda ne lufuna amannya ag'enjawulo.Mu buddu eyo luyitibwa kikunta anti engeri gye lwakuntanga n'embuyaga kikunta naddala nga lwanikiddwa ebweru.

Okukomaga gwafuuka omulimu ogweyagaza era ogusanyusa, n'abo abaagukolanga ne baguteekamu ebirungo obuyimba n'ebirala nga baagala baleme kukoowa nnyo. Okukomaga kukolebwa mu mitendera gino wammanga:

Okulima emituba: Omuntu yenna ayagala okukomaga ateekwa okubeera n'emituba, afuna ettabi ly'omutuba, n'alisimba mu kinnya ekiweza fuuti taano obuwanvu, era lino lye tuyita ensimba. Bweziroka, zimerako obutabitabi era nnyini zo atandika okuzisala nga yeeyambisa akambe ne zigenda nga ziwanvuwa era bw'eweza amatabi n'enduli waggulu ng'egezzeemu, batandika okugireega nga kuno kwekugezaako okulaba oba olubugo lukuze.Wano beeyambisa akambe akasala ennyo ne basala kukikolo.

(kisimbuddwa mu ENTANDA YA BUGANDA olup 4)

**Ebibuuzo:**

(a) Ani yavumbula olubugo? (obubonero 2)
(b) Emituba gyeyambisibwanga gitya nga teginnavumbulwamu lubugo? (obubonero 4)
(c) Obuvunaanyizibwa bwa ssaabasajja bwe buliwa okusinziira ku kitundu kino? (obubonero 4)
(d) Mbeeraki eziragiddwa mu kiwandiiko kino okukakasa nti ebintu abantu bye bakola, babikola kusanyusa Beene? (obubonero 6)
(e) Menya amannya ag'enjawulo agaweebwa omuti ogusuula ebikoola mu musana ate ne guteekako ebikoola mu nkuba. (obubonero 3)
(f) Mannya ki agaweebwa olubugo? (obubonero 2)

Mu bibuuzo (g-j) londako ekisingako obutuufu.

(g) Emituba gyayitibwanga gitya edda?
   i. Kiwaatula.
   ii. Nsimba.
   iii. Kiggumiza.
   iv. Mukomago.
(h) Olubugo lwavumbulwa ku mulembe gwa Kabaka ki?



DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

Ecolebooks.com

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON **ECOLEBOOKS.COM**

Ecolebooks.com

i. Ssenkungu.
ii. Ssonko.
iii. Kintu.
iv. Beene.

(i) Kintu ki ekyenkukunala ekyayoleka nti omutuba gusobola okuvaamu olubugo?
i. Okuvaamu amazzi.
ii. Ekikuta ekigumu.
iii. Okuba n'amatabi.
iv. Okuba n'enku.

(j) Baakozesanga ki mu kukola olubugo edda?
i. Omuti, amazzi, ekifumu.
ii. Akambe, ekikunta, amazzi.
iii. Effumu, amazzi, ebitooke.
iv. Omutuba, omwambe, amayinja.

## EKITUNDU B

Ddamu nnamba 2(a) ne 2(b)

2(a) Maliriza engero zino nga bwezoogerebwa:

(i) Akabimbi akatono, ------------------
(ii) Atannayita, ----------------
(iii) Abalungi ndagala nnamu, --------------
(iv) Empiiga n'empiiga, ------------------
(v) Batuuka, ----------------
(vi) Kamukamu, -------------------
(vii) -------------------, ligambwako nnyiniryo, lumonde bw'alemwa omuggo nkumbi y'emusima.
(viii) ------------, kajja kajjudde kaddayo kajjudde.
(ix) ------------, sikumunoba.
(x) -------------, akwatira kummere ye.

2(b) Nyonnyola amakulu g'engero zino ag'omunda (obubonero 5)

(i) Abataka abaaagalana be balima akambugu.
(ii) Awagenda ekkovu n'essonko.
(iii) Ezinaabala teziranda ggobe.
(iv) Emyungu emiwagiikirize gyasa entamu.
(v) Ebigwawotebiraga, wandiga atambula n'omwana we.



DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

Ecolebooks.com

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

Ecolebooks.com

7

## EKITUNDU C

Ddamu ebibuuzo bisatu (3) byokka ng'obiggya mu butabo obw'enjawulo.
Toddamu bibuuzo bisukka kimu ku buli katabo.

**C.KALINDA: PAWULO KIRIMUTTU.**
Ddamu nnamba 3(a) oba 3(b)

Q.3(a) Olugendo lwa Pawulo e Bulaaya lutulaga ki ku bintu bino:

(i) Enneeyisa y'Abazungu (obubonero 10)

(ii) Embeera za Pawulo (obubonero 10)

OBA

3(b) Singa ggwe Pawulo, nyonnyola abantu bo engeri gye basaanye okweyisa ng'osinziira ku by'olabye e Bulaaya (obubonero 20)

**ROBERT G. MUKASA: TOKIIYA DDONGE NTO.**
Ddamu nnamba 4(a) oba 4(b).

Q.4(a) "mugandawo ozze naye?"

(i) Ani ayogera ebigambo ebyo era abigamba ani? (obubonero 2)

(ii) Ayogerwako akolaki awo mu kiseera ekyo? (obubonero 2)

(iii) Biki ebyaddirira emboozi eyo okutuusa enkeera (obubonero 16)

OBA

4(b) Singa osuubira okugenda e Bulaaya omwaka ogujja, omuwandiisi w'olugero luno Akukubidde atya ekimyanso mu bizibu ebiri e Bulaaya? (obubonero 20)

**WHCLIFFE KIYINGI: GW'OSUSSA EMMWANYI.**
Ddamu nnamba 5(a) oba 5(b)

Q.5(a) Nyonnyola ebintu ebirungi ku bantu bano: (obubonero 20)
(i) Ssekalegga.
(ii) Rita.

OBA

5(b) Nyonnyola ebintu ebiragiddwa mu muzannyo guno nga bikuba ensonyi. (obubonero 20)



DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

**F.MASAGAZI: BALYA N'ENSEKEEZI.**
Ddamu nnamba 6(a) oba 6(b)

Q.6(a) Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

ABASAMALIYA ABACAAFU.
Mukeera mu masinzizo,
Musinze eyasinga,
Abasamaliya ababi mmwe!
Abaana abaleera,
Asabiriza omujeezi,
Mubayita kuli temunyega!
Abasiibira enguuli,
Temunyeze kubanenya,
Mubalese kugula!
Abanywi b'enjaaye,
Temuteganye kubakomya,
Bafuuse bamawaya!
Abasazi b'ensawo,
Temuteganye kulabula,
Ziwembe zitulidde!
Abalwadde abasiba,
Tebasuddwa ku mukono,
Balekwa kutondoka!
Emirambo gya luno,
Mugibuuse temugitya,
Abakubagizi babalwa!
Amabugo g'abafu,
Temutya 'mugeepena'!
N'omufu ammibbwa
Mbu mugenda kusinza!
Abaweki Omusinzwa?
Abasamaliya abacaafu!
Mukole ebirungi,
Abawe Omusinzwa,
Abasamaliya abalungi.



DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON **ECOLEBOOKS.COM**

Ecolebooks.com

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

Ecolebooks.com

EBIBUUZO:

(i) Ekitontome kino kirina sitanza mmeka? (obubonero 2)
(ii) Nyonnyola embeera engeri gye yennyamiza mu kitontome kino. (obubonero 8)
(iii) Nyonnyola engeri obukugu bw'omutontomi gye bweyolese mu kitontome kino. (obubonero 6)
(iv) Nyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitontome kino. (obubonero 4)
- Ziwembe.
- Kutondoka.
- Mugeepena
- Abasamaliya.

OBA

6(b) Nyonnyola ebintu eby'enjawulo ebyobuntubulamu abawandiisi bye bakonyeeko mu 'Balya n'ensekeezi. (obubonero 20)

**P.MUKASA: JJANGU TUTONTOME.**
Ddamu nnamba 7(a) oba 7(b)

Q.7(a) Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

EKKOMERA.

Ekkomera ekkomera,
Kintu kya ntiisa,
Aba ayagala kukutta!

Kabula muliro kkomera
Okutuntuzibwa, kuli mu kkomera,
Okukola n'obuwaze,
Kuli mu kkomera!

Kkolokooni kkomera,
Okweyagala, ofuma kufume,
Oluusi embooko, bakusaazaako,
Omwasirizi tolina!

Mbuzeekogga kkomera,
Okulaba kubamanyi,
Oyimamitala, n'olagiriza,
Ngagy'obeera, nti be bako ab'edda!



DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

Ecolebooks.com

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

Ecolebooks.com

Enkomyo kkomera,
Okunaaba koomubiri,
Omala ebbanga,
So nga otuuyana!

Akaduukulu kkomera,
Buziba tomanyi!
Bwe bukya tomanya,
Anti enjawulo, ekiro n'emisana,
Tewaba mu kkomera!

Ekiwubaalo, okuwuniikirira,
Byonna mu kkomera,
Tebyewalika,
Biringa bya tteeka!

Okwebaka wansi, ate obula okukaaba,
Okunyigibwa okungi,
Obunnyogovu obuzibu,
Be baanabaliyo!

Buli kwekyusa, nga sserikale waali,
Akabanga okuyita,
Amannya ne gayitwa,
Okweteewuluza, nga sserikale atunula!

Ebirago wansi, birimu ebiruma,
Ensekere envubuka, era n'enkadde,
Ebiku biteevunya,
Ate n'enkukunyi, zeenyigira mu mulyo!

Omubiri gukusiira, olusu ne lugoba,
Eby'obuyonjo ebyo, lugero bugero,
Ebigere bikapa, anti okwambala engatto,
Ekyo kya muzizo!



DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

Ecolebooks.com

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

Ka caai okeerabira, kasigala n'okafuma,
Ensi efunda mu buli mbeera,
Omugemerawala, gwe gukuuma omusibe,
Anti buli wodda, nga nagwo kkoodi!

Ekkomera likomera, buli ekiriwo,
Akutwaza mu kkomera, omusabira ssaala,
Ekkomera y'entaana, eyokunsi,
Bw'olivaamu omulamu, weebaza Mukama!
Ebiku biteevuunya.

EBIBUUZO:

(i) Bw'osomye ekitontome kino kikutadde mu mbeera ki? (obubonero 2)
(ii) Nyonnyola engeri sitanza ezisooka ebbiri gye zisengekeddwa. (obubonero 8)
(iii) Ekitontome kino kinyuvuwadde kitya? (obubonero 10)

OBA

7(b) Ekitabo 'Balyan'ensekeezi' kikoona ku bantu ab'enjawulo mu nsi. Bantu ki abo? (obubonero 20)

BIKOMYE WANO



DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM